Ecolebooks.com

**335/1**
**LUGANDA**
**Paper 1**
2 hrs

**STANDARD HIGH SCHOOL ZZANA Uganda Certificate of Education EBIBUUZO BY'OKWEGEZAAMU EBY'AWAMU LUGANDA**

(Okuwandiika emboozi, Okukyusa, Okufunza, Ggulama n'ebisoko)

**Olupapula Olusooka** Essaawa bbiri (2)

**EBIGOBERERWA:**

*Olupapula luno lulimu ebitundu bibiri* **A** *ne* **B**.

*Mu kitundu* **A** , *mulimu nnamba* **1. (a)** *ne* **1. (b).** *Londako* **(a)** *oba* **(b)**.

*Mu kitundu* **B,** *mulimu nnamba* **2.** *ne* **3**. *Nnamba* **2**, *londako* **(a)** *oba* **(b)**.

*Nnamba* **3** *yonna ya* **buwaze**.

***FORWARD SCANNED ANSWERS TO stahiza2020@gmail.com***

**Bikkula**

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

**EKITUNDU A**

*Kola nnamba* **1. (a)** *oba* **1. (b)** *mu kitundu kino.*

1. (a) Ku mitwe egikuwereddwa, londako gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo nga 400. *(Buli mboozi ya bubonero 50)*

(i) Obwato bufa magoba

(ii) Okwogera oluzungu ku masomero kusaana kube kwa kyeyagalire kubaganya ebirowoozo.

(iii) Okufumba emmere y'amatooke ennyige mu Buganda.

(iv) ……..na kati nkyevuma ekyampakuzaawo mmotoka ya mukama wange. (wandiika emboozi esembayo ebigambo ebyo)

**Oba**

(b) Ku mitwe gino londako (2) buli gumu oguwandiikeko emboozi nga bw'olagiddwa. *(Buli mutwe obubonero 25)*

(i) Ng'omu ku bakulembeze b'abayizi mu ssomero lyo, wandiika by'onaayogera mu musomo gw'abakulembeze b'ababyizi ogutegekeddwa mu ssomero erimu ku mutwe ogugamba nti, "Nsobola ntya okuba ekyokulabirako eri bayizi bannange benkulembera" *(Kozesa ebigambo 200)*

(ii) Kitwale nti ggwe mwogezi w'abakozi b'awaka ba "yaaya" mu distulikiti yo. Wandiikira minisita atwala ensonga z'abakozi nga weemulugunya ku ngeri eddembe lyabakozi b'awaka bwerityobwola ennyo ensangi zino. *(Kozesa ebigambo 200)*

(iii) Wandiika eggulire ku mutwe ogugambe "omuyizi azaalidde mu bibuuzo" *(Kozesa ebigambo 200)*

(iv) Oluvannyuma lw'obutayita bulungi bibuuzo bya siniya eyookuna muzadde wo asazeewo obutakuzza mu ssomero. Wandiika okwogera kwo gy'ali ku nsonga eyo. *(Kozesa ebigambo 150)*

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON **ECOLEBOOKS.COM**

**EKITUNDU B**

*Kola ekibuuzo* **2. (a)** *oba* **2. (b)**

*(Buli kibuuzo kya bubonero 20)*

2. (a) *Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100*.

Kasimbi bw'akuttottolera akawonvu n'akagga ku bwenzi gyebumutuusizza, ofukamira wansi n'osaba Namugereka eyatonda obwengula n'ensi akukuume obutayingirwa guze ogwo. Kasimbi agamba yazaalibwa ng'abaana abalala bonna nnyina Nakiryo Jane omukyala eyakula ekimbejja era omulungi lwondo gwebayiwako amazzi n'oganywa.

Taata wa Kasimbi yafa ali mu kibiina kyakusatu n'alekera nnyina abaana musanvu.

Jane yasiitaana n'abaana okulaba nga basoma, balya, bambala era nga bajjanjabibwa nga babadde balwadde. Mukazi wattu yakola buli kalimu alabe ng'amabujje ge gasoma.

Emisana Jane yasiibanga alina abaana ba mulirwana b'alabirira afuneyo ku mwana w'omusiraamu bumaali ate ng'akawungeezi ayokya lumonde na muwogo e Mityana mu katale.

Jane sente zaamukaluubirizanga okufuna era nga n'olumu abaana be nga balya kimu, ekiro ne banywa ccaayi ataabangamu na sukaali. Kasimbi yasomanga bulungi era banne nga bamwasimula bugolo na kumunyeenyeza mitwe ng'embuzi etenda enkuba mu bintu by'okusoma.

Neewankubadde ag'ebitabo yagalina mu bungi, naye Kasimbi teyalina magezi mazaale ate ng'alina n'omuze gw'obukaba.

Bweyagenda alinnya mu bibiina ebyawaggulu yeeyongera okunyumirwa okusembeera ennyo emikwano gy'abaana ab'obuwala. Abasomesa be baamuyisangako ow'embuya enfunda ezaawera naye nga balinga abafuuyira endiga omulere.

Ng'atuuse mu siniya eyoomukaaga, Kasimbi muli yawulira essanyu eritalojjeka, yalaba ng'anaatera okuwona embooko n'amateeka agaamukugiranga kino na kiri. Munnooowo kyeyali yeerabidde kyali kimu kyokka. Mbuuza nti ki ekyo? Luno lwali lugero lw'Abaganda olugamba nti, "kyotonnalya tokyesunga."

Omulenzi ono omuze gw'okukwanakwana gwali gwamulemeramu era ebiseera ebyo yali akwanyeeyo omuwala eyali asomera mu ssomero erimu e Ntinda. Omuwala ono yali mu siniya ya kusatu. Ono yamukwana mu luwummula olwa ttaamu eyookubiri. Yamukwanira ku kadduuka k'engoye enkadde aka kizibwe we omuwala yakyamawo kugula ngoye.

Omuwala ono bweyafuna omulenzi mu dduuka lino yayongera okukyalangayo buli kaseera.

Ebyava mu kukyalirangana entakera lwali lubuto. Omusomi olubuto yalumanyira ku ssomero mulusooma olw'okusaatu. Yava ku ssomero ng'omulwadde n'agenda aggyamu olubuto olwo.

Olubuto terwavaamu bulungi. yalwala nnyo kata afe. Ebintu okwetooloola nga Kasimbi asibiddwa emyaka abiri. Omulamuzi yamulanga kwekobaana na munne ne batta abbujje wamu n'okwagala omuwala omuto.

Nnyina yatunda buli kyeyalina asobole okutaasa mutabaniwe naye ssente ze zafiira bwerere. Omulenzi ebibuuzo bya siniya eyoomukaaga yabitulira mukomera era yabigwa nnyo. Nynina n'ebatoobe ekibuga kyabalema nebadda mukyalo. Eno nnyina gyeyafiira era teyamuziika ko.

**Oba**

(b) *Kyusa ekitundu kino okizze mu luganda*. (Obubonero 20)

**SORGHUM BAILS ODONGO OUT OF POVERTY**

Solomon Odongo, 27 of Libya village, Mukura sub-county in Ngora district is a man who does not fear challenges while many youth were leaving the villages to go to towns in search for better employment, Odongo chose to remain in the village and change his life through farming.

He embraced sorghum farming, specializing in improved varieties, such as sila and Gadam, which are used for brewing beer.

With income from only four acres of Gadam sorghum per season every year, odongo has been able to build a home in his village.

He has also started a turkey farming project and citrus growing.

Odongo says income from one seasons' harvest is enough for him to buy all cows needed to pay bride price.

Odongo says a few years ago he watched as Charles Okubal, a farmer of Landmark Millers Soroti, earned good money through selling sorghum to Uganda Breweries limited (UBL)

Without wasting time, he joined Okubal in order to benefit from the UBL linkage.

Odongo said he started growing sorghum on one acre and kept increasing acreage every season

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON **ECOLEBOOKS.COM**

Today, Odongo grows sorghum on about four to six acres, depending on the forecast of the season. After, harvesting, drying, threshing and sorting the sorghum into clean grains, he and others farmers collect their produce at landmark millers ad sell it to UBL as a group. Odongo says he participates in delivering the grain to UBL factory in port bell, Kampala

*Kola ebibuuzo* **3. (a)** *ne* **3. (b)**.

3. (a) Jjuza ebisoko ebituufu mu mabanga agalekeddwawo. (Obubonero 20)

(i) Omwogezi bwe yabadde ayogera……………………yalisimbye ku bukulu bw'okulima.

(ii) Namwandu wa Musoke annyirira ng………………..ennaku zino.

(iii) Twegayiridde omusomesa netukuuta n…………………..ku ttaka naye teyatusonyiye.

(iv) Kitaawe yamunaabidde mu…………..namugoba ewaka olw'obubbi.

(v) Kajjampuni yabalagadde mu……………bwebaagambye Namusisi asibe ebibye adde ewaabwe..

(vi) Pawulo yasalawo okweyimbamu agwa………..olwebizibu okumuyitirirako.

(vii) Twamubuuziza gye yaggye ssente nga ayanjala…………………

(viii) Vva mukuliisa ebijanjaalo……………………osome ebitabo byo.

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

(ix) Bweyalaba kitaawe ng'akomyewo omutima negumudda mu………..

(x) Ebigezo bya leero kubadde kumenya mu…………..kkalu nga bibadde byangu.

(b) (i) Ebigambo bino ebikuweereddwa ddamu obiwandiike mu luganda olutuufu. (Obubonero 04)

- enddagaano
- omulleembe
- edame
- egwatiro

(ii) sentensi zino ziteeke mu kiseera ekiyise (Obubonero 02)

- Nnaamusanga eka
- Abaana basamba bulungi
- Mwana ki asinga eddalu mu kibiina kya mmwe?

(iii) Ddamu owandiike sentensi zino ng'ebikolwa ebirimu obitaddeko akawakatirwa akakulagiddwa mu bukomera. (Obubonero 04)

- Timba olugoye (kanaaluzaala)
- Laba abaana bange (akalazi akaddiŋŋana)

**BIKOMYE WANO**

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM